# »Okukyusa ebisusunku by‘omuceere ng‘okolamu ekigimusa ekya layisi- Ekitundu ekisooka«

Okukosebwa okuva ku nkyukakyuka mu mbeera y‘obudde mu bitundu eby‘enjawulo mu Kenya. Buli kitundu kirina ebizibu ebikitawanya okuva ku bbula ly‘amazzi, ebbula ly‘emmere, n‘okwonoona obutonde.

Okwokya amanda kulina obulabe obwamaanyi eri obutonde, n‘ebibwetwoloodde. Okutema emiti n‘ebibira kwe kusaanyawo ebibira n‘emiti gyonna. Okutema emiti kireeta okufulumya emikka emibi eri obutonde. Ton 15 ez‘ebisusunku by‘omuceere ze zifulumizibwa nga bazokya oba okuzisaanyawo era nga kino kyabulabe eri obutonde. Ebisusunku by‘omuceere bikubisaamu amakungula emirundi ebiri singa oba obikozeseza nga ekigimusa oba nga obigasse mu ttaka okulirongoosa.

## Okukola ekigimusa okuva mu bisigalira by‘ebimera ebyokyeddwa.

Ekigimusa ekikoleddwa okuva mu bisigalira by‘ebimera ebyokyeddwa gaba nga amanda okuva mu bisigalira by‘ebimera. Kunganya ebisusunku okuva mu balimi bano era obikunganyize mu kifo erimu ebbugumu eringiko eriweza ekigero kya diguli 300 n‘omukka omulamya(oxygen) ogw‘ekigero. Oluvanyuma lw‘essaawa bbiri ojja kufuna ekisigalira nga kyekute.

Teeka ebikozesebwa ng‘obukuta bw‘embaawo mu kifo we byokyerebwa oluvanyuma obizike kungulu oteekeko obususunku bw‘omuceere. Nga bimaze okuva mu langi eya kyenvu bifuuse biddugavu kiba kitegeeza nti bituuse okukunganyizibwa.

Ssa obususunku bw‘omuceere obwa langi ya kiragala era ogattemu ekirungo oluvanyuma obitabulemu ebisusunku by‘omuceere ebyayokeddwa olumala obipakira.

## Omutindo gw‘ebigimusa.

Okukebera omutindo kyetaagisa nnyo naddala mu bigimusa. Kakasa nti olina ekirungo kya carbon ekitono ennyo kya bitundu 95 ku buli kikumi nobungi bw‘amazzi obutasukka bitundu 20 ku buli kikumi.

Temperatures depending on the soil can vary the final pH of the final product. Ebbugumu n‘obunyogovu okusinzira ku kika ky‘ettaka byawukana ku kipimo ky‘olunnyo kyoggyamu

Kakasa nti mu kuppakira obungi bw‘ekirungo kyoteekamu n‘obuzito bw‘ekigimusa ekikoleddwa okuva mu birime ebiyokyeddwa byogenda okutabula byenkananankana mu kigero.